# Asabye abakulira abayizi mu masomero

Bya ERIA LUYIMBAZI

POLIISI esabye abakulira abayizi mu masomero ga siyiya mu ggwanga okubeera olujegere oluyunga abayizi n'abakulira amasomero kiyambe okuziba emiwaatwa gyonna n'okutangira obuzibu obuyinza okubalukawo nga tewali kuwuliziganya.

Kaminsona wa poliisi avunaanyizibwa ku kutabaganya poliisi n'omuntu waabulijjo, Anatoli Muleterwa bwe yabadde ayogera eri abakulira abayizi okuva mu masomero ag'enjawulo ku Mengo SS ku Lwomukaaga.

Yagambye nti, abakulira abayizi ba mugaso nnyo kuba bayamba okutambuza amawulire okuva mu basomesa okutuuka ku bayizi bannaabwe n'okutuusa okwemulugunya n'ebyetaago bya bannaabwe mu bakulira amasomero. Yagambye nti, abakulira abayizi basobola okumanya ebizibu n'okwemulugunya kwa bannaabwe ne babitwala mangu eri abasomesa ne kitangira okwegugunga.

Yategeezezza nti, era waliwo abayizi abeenyigira mu bikolwa eby'effujjo abalina okuloopebwa amangu oba nga beenyigidde mu kukozesa ebiragala kuba kimu ku bizibu ebisensedde abayizi abamu ne bawanduka mu masomero.

Yalabudde abayizi abeenyigira mu buzzi bw'emisango nti, amateeka gabavunaana naddala abo abakulemberamu obwegugungo ne boonoona ebintu okuli; okwokya amasomero, okulwana n'ebirala. Yawadde ekyokulabirako ky'omuyizi mu 2024 eyali akola ebibuuzo by'akamalirizo n'akuba omukuumi w'essomero n'amutta, n'abayizi e Mbale abaakola obubinja obuteega abantu.

Yasabye abayizi okumanya omulamwa ogwabatwala ku ssomero kuba bazadde baabwe babasindikayo n'ekigendererwa kya kusoma basobole okufuuka ab'omugaso mu biseera byabwe eby'omu maaso.



ERIA LUYIMBAZI

Afande Muleterwa ng'ayogera eri abakulira abayizi.